# *Okukkiriza*

Naye olina kukozesa kukkiriza mu Katonda, okukireetera okukola. Okiraba? N'olwekyo okuzuukira kwo okulina munda mu ggwe. Okuzuukira kwo kuli munda mu ggwe, mu mwoyo gwo.

2 Kati, omanyi, Yesu bwe yafa ku musaalaba, "Emmeeme Ye yakka e magombe n'abuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera, eziteenenya mu biro by'okugumiikiriza ennyo mu nnaku za Nuuwa." Omubiri gwe gwagenda mu ntaana. Naye, bwe Yali tannafa, Omwoyo Gwe Yaguteeka mu mikono gya Katonda. Mu mukono. . . "Nteeka Omwoyo Gwange mu mikono Gyo." N'olwekyo, mukiraba, Omwoyo Gwe gwagenda eri Katonda; emmeeme Ye n'egenda e magombe; omubiri Gwe ne gugenda mu ntaana.

3 Kati, Omwoyo oyo eyamulimu yali Mwoyo wa Katonda. "Omwoyo oyo, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo, yafukanga amafuta ku bannabbi, okusobola okuleeta Obubaka eri abantu; mu nnaku ez'oluvannyuma, okuyita mu Kristo; ate kati, mu nnaku zino, okuyita mu Njiri." Kati, bwe tusembeza Kristo mu mitima gyaffe, alimu byonna bye twetaaga. Alimu Obulamu Obutaggwaawo.

4 Kati, Kristo yali tasobola kukomawo okutuusa nga ennaku ssatu zimaze okutuukirizibwa. Kubanga, Omwoyo Gwe gwali mabega wa lutimbe, nga omuziziko, bwe *guti*, nga Tasobola kuyita ku muziziko ogwo, kubanga kyali Kigambo kya Katonda ekyogere, kye kyagamba nti, "Yali wa kugalamira mu ntaana okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu." Kati, Yali tasobola kukomawo okutuusa nga wamaze okuyitawo ennaku ezo essatu n'ebiro ebisatu. Era ennaku essatu n'ebiro ebisatu bwe zaggwaako, Omwoyo Gwe gwasumululwa. Ne gugenda butereevu eri emmeeme Ye, n'emmeeme Ye n'ekomawo n'enona omubiri, n'alyoka atuukiriza kye Yayogera nti, "Nnina obuyinza okuwaayo obulamu Bwange. Nnina obuyinza okubweddiza nate. Nnina obuyinza."

5 Kati, buli omu ku mmwe alina obuyinza, mu ngeri y'emu, kubanga muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Era Omwoyo y'omu akulimu, enkya ya leero, Omwoyo Omutukuvu akulimu enkya ya leero, Omwoyo Omutukuvu y'omu oyo alikuzuukiza. N'olwekyo olina obuyinza okwezuukiza.

6 Bw'onaafa, emmeeme yo ejja kugenda mu—mu. . .wansi w'ekyoto kya Katonda, si mu. . .tejja kugenda butereevu mu Kubeerawo kwa Katonda. Kati, omwoyo gwo gujja kugenda eri Katonda, naye tosobola kukomawo. Mujjukire nti, mu Bayibuli, Egamba nti omwoyo. . . "Emmeeme eziri wansi

w'ekyoto, zikaaba zibuuza nti, 'Mukama, kiseera kyenkana wa ekisigadde, kiseera kyenkana wa ekisigadde?'" Era baali tebayinza kukomawo okutuusa nga Ebyawandiikibwa bimaze okutuukirizibwa, era, nga ne Kristo, bwe yali tayinza kukomawo okutuusa nga Ebyawandiikibwa bimaze okutuukirizibwa. Kati, oluvannyuma, nga byonna biwedde, nga okubonaabona kwonna kuwedde, nga ne baganda baabwe bamaze okubonaabona ebintu bye bimu, oba nga tumaze okubonaabona nga bwe baabonaabona, n'ebirala; kati awo, ku lunaku olwo, olimanya wa wennyini we waziikibwa, omwoyo gwo guliteebwa okuva ewa Katonda gujje eri emmeeme.

7 Kati, emmeeme ky'ekitundu kyo ekyo ekirina okumanya n'okutegeera, ge magezi go. Mujjukira okwolesebwa kwe nnafuna ebbanga si ddene eriyise, manya engeri y'okuwanyisibwa, bwe nnagenda mu kifo ekyo ne ndaba abantu abo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati, omwoyo gwo gulikomawo eri omubiri guli, ne—n'omubiri ogw'ekika ekyo, emmeeme, nga gwe mubiri oguteetaaga kulya n'ebirala. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde," omubiri ogw'omu ggulu. Era wamu n'omwoyo ogwo, n'emmeeme eyo n'omubiri ogw'omu ggulu, olizuukiza nate omubiri guno ogw'oku nsi olw'okufuga okwo okw'emyaka Olukumi. Okiraba? We twogerera olina mu ggwe amaanyi, okukola ekyo, kati, naye amaanyi ago g'olina mu ggwe gasobola okutonda ensi empya. Katonda talina bitundu bitono, era binafu, na bitundu binene, ebizito era eby'amaanyi, okukomebwako kwa Katonda okutono ennyo kuyinza byonna, mukiraba, okukomebwako kwa Katonda, okusingayo obutono.

8 Kale, okimanyi, kati ngezaako kubayingiza mu kukkiriza, okimanyi nti waliwo ekyakutuukako, nga Omukristaayo. Okimanyi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Wateranga okwevulungulira *wano* mu ttosi, mu ttosi erya buli ngeri n'ekibi, n'okunywa omwenge, n'okuzannya zaala, ne—n'ebintu by'ensi. Naye, olwali okukikkiriza oti nti ebibi byo Kristo abikusonyiwe, wasituka ebintu ebyo n'obibeera waggulu. Kati otambulira waggulu *eno*, okiraba, waggulu waabyo byonna. Lwaki? Kubanga okkiriza nti oli Mukristaayo. N'olwekyo bwe wakkiriza Kristo, Omwoyo Omutukuvu n'ajja gy'oli, kitegeeza kati olina okukkiriza mu Mwoyo Omutukuvu, oyo akuwa amaanyi okutambulira waggulu w'obulamu obw'engeri eyo obw'ekibi.

9 Kale, kati, ekintu kyokka ky'olina okukola, okutumbiira waggulu mu kuwonyezebwa, kwe kuba n'okukkiriza okusingawo, ggwe—ggwe genda bugenzi mu maaso nga okusitula. Okiraba? Ojja kukutuukako. Kati bw'oba oli mulwadde, nga toli Mukristaayo, fuuka Omukristaayo mu kaseera kano kennyini, amaanyi ago agawonya gasobole okuyingira mu ggwe, kubanga ofuuse Omukristaayo. Era ekyo

kijja kukuwa okukkiriza okutambulira waggulu w'ekibi. Kijja kukuwa okukkiriza. Era buli kimu kyonna kye weetaaga, mu lugendo luno, kiri munda mu ggwe mu kaseera kano kennyini. Era ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kuba n'okukkiriza mu Katonda, okusindika ebintu ebyo ebirungi ebiri munda mu ggwe, ebikulimu, ku bw'Omwoyo Omutukuvu. Kati mukitegedde bulungi? Mukifunye?

10 Nzikiriza Billy yaŋŋambye, ekiro kya jjo, yampise n'aŋŋamba nti, "Jangu obeerewo, enkya ya leero, naddala ku lw'omuntu omu eyazze, nga alowooza wiiki eno lwe tulina enkuŋŋaana, ez'okubuulira ku Bubonero obwo Omusanvu." Era ndowooza, yazze n'omwana omulwadde. Kati bw'oba wooli wano, ssebo, jjukira nti, tosobola . . . Okukkiriza kwo—kwo kwe kulina okukola ku lw'omwana oyo, bw'aba—bw'aba mwana, muto.

11 Naye kati leka nsomeyo Ekyawandiikibwa ekirala, bwe kiba tekirina buzibu, mu kaseera katono. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Genda mu maaso, Ow'oluganda. Amiina."—Omuk.]

12 Mujjukire nti, kati, mu Njiri, tusoma mu ssuula ey'e 16, ndowooza we kiri, mu Bikolwa by'Abatume, Pawulo ne Siira lwe baali mu kkomera lumu ekiro. Era baali bakubiddwa nga babalanga okugoba omwoyo omubi ku muwala eyalagulanga. Era kyali nti . . . Kati, omuwala, ekyo kyanyiiza bakama be. Bwe batyo ne babakuba, ne babaggalira mu kkomera ery'omunda. Era ekyo bwe baakikola, Pawulo ne Siira bwe baali basaba, Katonda n'asindika ekikankano ne kinyeenya ekkomera.

13 Omukuumi w'ekkomera Omufiripi, engeri gye yali omwami w'ekitongole, nga, abasibe be—be okutoloka, obulamu bwe bwe bwalina okuggyibwaawo mu kifo ky'abasibe. Yasowolayo ekitala kye nga agenda okwetta, Pawulo n'adduka n'agenda gy'ali n'amugamba nti, "Teweekola kabi konna. Ffenna weetuli wano."

14 Era omukulu w'ekitongole ono yalina, ka tugambe, alina engeri gye yali atwalamu Pawulo ne banne. Weesanga baayimba ennyimba. Weesanga baajulira, oba nga balina kye baakola. Naye, kyonna kye kyali, baakitegeera nti baali basajja batukuvu. Baakimanya nti abasajja bano baalina ekintu ekitaali kya bulijjo. Kubanga, mangu ddala, yababuuza nti, "Kiŋŋwanidde kukola ntya okulokolebwa? Kiŋŋwanidde kukola ntya okulokolebwa?"

15 Kati, Pawulo yamugamba nti, "Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, onoolokoka ggwe n'ennyumba yo."

16 Kale, kati, ye okukkiriza Mukama Yesu Kristo . . . Ekyo tekitegeeza nti obulokozi *bwe* n'ennyumba ye bunaagirokola. Naye bw'aba asobodde okuba n'okukkiriza okumala mu Katonda okulokolebwa, kitegeeza asobola okubeera n'okukkiriza kwe kumu ku lw'ennyumba ye. N'ennyumba ye ejja kusobola okuyingizibwa, mukiraba, ekintu kye kimu.

17 Ekintu kye kimu Yobu kye yakola, nga bwe nnagamba ekiro kya luli, bwe twali mu Georgia, mu lukuŋŋaana. Nnagamba nti, "Yobu, yagamba nti, 'Kati, simanyi oba abaana bange baayonoona, naye watya nga baayonoona?'" Era Yobu yalina ekintu kimu kyokka kye yalina okukola, okubeera omutuukirivu, nga kwali, kuwaayo kiweebwayo ekyokebwa. Yagamba nti yali agenda kuwaayo ekiweebwayo ekyokebwa, abaana be bwe baba baayonoona, ekibi kyabwe kisobole okubasonyiyibwa. Era ekyo kyali kintu kirungi kitaabwe kye yakola. Oyo abeera taata alowooza obulungi. Twetaaga ba taata abalala bwe batyo leero. Bw'atyo Yobu n'awaayo ekiweebwaayo ekyokebwa. Ekyo kyaliwo nga tannatuukibwaako kubonaabona kwe.

18 Naye abaana be bonna bwe battibwa, n'endiga ze ne zisaanyizibwaawo zonna, ne bye yalina byonna, ne bimuggyibwako, yali atudde ku ntuumu y'evvu emabega w'ennyumba ye, nga yeeyaguza lugyo.

19 Mwali mwetegerezza ekyabaawo, oluvannyuma lw'ennaku z'okubonaabona kwe, Katonda bwe yatandika okubimuddizzaawo? Eyalina ente akakumi, n'ebirala, Yabikubisaamu emirundi ebiri nga abimuddiza. Endiga ze yazikubisaamu emirundi ebiri, n'ebirala byonna n'abikubisaamu emirundi ebiri. Naye mwali mwetegerezza? Era Katonda n'awa Yobu abaana be omusanvu. Mwali mulowozezza ku wa gye baali? Ekiweebwaayo ekyo ekyokebwa kyayimirirawo ku lwabwe. Baali baalokolebwa, nga bali mu Kitiibwa, bamulindiridde okujja. Ali wamu nabo leero. "Onoolokoka ggwe n'ennyumba yo." Mukiraba? Kati, Yobu yalina ekintu kimu kye yalina okukola, okubeera omutuukirivu, kwali kuwaayo kiweebwaayo ekyokebwa.

20 Naawe olina ekintu kimu ky'olina okukola, okubeera omutuukirivu, nga ekyo, kwe kubeera n'okukkiriza mu Katonda. Kubanga, olokoka lwa kukkiriza, owonyezebwa lwa kukkiriza, ofuna buli kimu ky'olina lwa kukkiriza. Okiraba? Ggwe okukikkiriza, kibaawo lwa kukkiriza. Kati, "Kkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, onoolokoka ggwe n'ennyumba yo."

21 Kati, ssebo, bw'oba waleese wano omwana ow'okusabirwa, ggwe kennyini, ggwe oba okkiriza. Nze wendi wano okugatta awamu okukkiriza kwange n'okukwo, tukkirize wamu, ffenna, nti omwana oyo Katonda anaamuwonya.

22 Mukiraba, ekyo tulina amaayi munda mu ffe okukikola. Olina amaanyi mu ggwe okukikola. Buli Mukristaayo alina amaanyi okukikola. Naye kati singa tusobola okufuna... Amaanyi ago waliwo etteeka erigafuga.

23 Nga bwe ntera okugamba nti, kiringa amaanyi ga kimiimansi bwe gafuga amazzi, kubanga tteeka. Amaanyi ga kimiimansi ge gafuga amazzi.

24 Enjuba, efugibwa e—e. . .manyanga ensi, okwetooloola kw'ensi. Tolina ky'osobola kulagira njuba, n'ogigamba nti, "Mpulira nnandyagadde okugira nga nkyebase. Lindamukko essaawa emu." Tejja kukikola, okiraba, kubanga waliwo etteeka. Bw'onaakola nga ogoberera etteeka eryo, eky'amazima, awo, buli kimu kijja kutambula bulungi. Bw'oneebakira mu budde, ojja kusobola okugolokokera mu budde obutuufu. Ate bw'ono. . .

25 Nga bwe tulina Ennyanja Superior, Ennyanja Ontario, Ennyanja Huron, n'Ennyanja Ennene ezo endala ze tulina wano. Tulina emitwalo n'emitwalo gya yiika z'ettaka mu Nevada, ne mu California, ne mu Arizona, ne mu New Mexico, ezookebwa omusana, olw'obutaba na mazzi ago, ettaka erisobola okubalako ekintu kyonna. Osobola okuliisa ensi yonna, nga okozesa ettaka eryo, singa ofuna amazzi gano, n'ogatwala erudda wano, ku ttaka lino. Era amazzi ago tegandikusumbuye, kubanga ga nsulo. Oluba okukendeera gati, nga gaddamu gasituka, kubanga amaanyi ga kimiimansi ge gagasika. Kale, kati, singa osobola okukola nga osinziira ku tteeka ly'amaanyi ga kimiimansi, osobola okutwala amazzi agali mu Nnyanja Ennene zino zonna n'ofukirira ebitundi ebyo byonna, n'oliisa ensi yonna, tewandibaddewo muntu yenna alumwa njala. Naye tosobola kutuula wano n'ogamba nti, "Weewaawo. Nkiraba. Ddala kikola." Olina okugenda n'okikola.

26 Kati, bwe kityo bwe kiri ku tteeka lya Katonda. Etteeka lya Katonda kwe kukkiriza. Era tulina okukkiriza wano, enkya ya leero, okuwonya endwadde yonna, okukola ekintu kyonna. Naye ekyo waliwo etteeka erikifuga, era etteeka eryo kwe kukkiriza. Etteeka lya Katonda kwe kukkiriza. Yesu yagamba nti, "Buli kyonna kye mwagala, bwe musaba, singa munakkiriza nti kibaweereddwa, mujja kukifuna." Kiikyo. N'olwekyo, kifugibwa kukkiriza, era okukkiriza kutuweebwa okusinziira ku bwe tuba tukwetaaga. Kati, tulina oku. . .Katonda abamu ku ffe abaako okukkiriza kw'atuwa, n'abalala okukkiriza okulala. Okukkiriza si maanyi agali awo agasukkulumye ag'obutonde g'oba nago. Kubanga, bw'ofuuka Omukristaayo, amaanyi obeera—obeera ogalina, naye ky'obeera tolina kwe kukkiriza okw'okukozesa amaanyi ago.

27 Kale kati, enkya ya leero, bw'ojja okusabirwa, jjukira nti, Bayibuli bw'eti bw'egamba. Kino kituufu. Yakobo 5:14 nti, "Bwe wabaawo omuntu mu mmwe, omulwadde, leka ayite abakadde b'ekkanisa. Bamusiige amafuta, bamusabire. N'okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde, ne Katonda anaamuyimusa." Kisuubizo, bw'oba onaakikkiriza. Nolwekyo, mukiraba, okuwonyezebwa kuli eri buli muntu ssekinnoomu.

28 Bwe kityo bwe kyali ne mu nnaku za Yesu ow'e Nazaaleesi. Yali tayinza kuwonya bantu nga tebakkirizza bo—bo bennyini ku

lwabwe. Yagambanga kimu nti, “Nsobola okukuwonya, bw’oba okkiriza. Bw’oba okkiriza nti kino Nsobola okukikola, Nsobola okukikola.” Bw’oba osobola okukikkiriza!

29 Kati, abantu abamu balowooza—balowooza nti amaanyi ag’okuwonyezebwa waliwo abantu abalondemu abagalina, nga ababuulizi b’enjiri. Si bwe kiri. Amaanyi ag’okuwonyezebwa gali mu ggwe. Gali mu ggwe. Babeera bakulembeza kigaali mu kifo ky’embalaasi. Omubuulizi w’enjiri talina maanyi gawonya.

30 Omwoyo Omutukuvu y’alina amaanyi okuwonya, era olina Omwoyo Omutukuvu. Ogwo gwe muti omutono gw’oli, era ebintu byonna bye weetaaga biri mu ggwe. Kati, n’olwekyo, tandika butandisi kunywa kuva ku kisuubizo kya Katonda, nga ogamba nti, “Ago ge mazima. Katonda yagamba nti Ajja kumponya. ‘Olw’emiggo Gye nnawonyezebwa.’” Ky’ekyo. Omanyi ky’obeera okola? Otandika okwolesa okuwonyezebwa, ky’ekiddirira. Okiraba? Kati okuva awo, n’abalala basobola okulaba ky’olina.

31 Kati kye kiri kiri nti, “Okukkiriza ky’ekinyweza ebisuubirwa, ekikakasa ebintu ebitalabika.”

32 Nsobola okusimba akati ako. Ssikalabako zi apo, naye mweziri munda mu kko. Akati ako kaba kakimanyi nti mweziri. Kale katandikirawo okunywa, ne keeyongera okukula ne keeyongera okukula, kubanga kakimanyi nti, “Nzirina munda mu nze. Oluvannyuma lw’akaseera zi apo ezo nja kuzibala. Mpaamu akaseera katono. Ggwe mpaamu akaseera katono.” Ne kagenda mu maaso n’okunywa. “Weewaawo, nkimanyi apo nzirina munda mu nze. Nja kuzoolesa, oluvannyuma lw’akaseera.” Era okugira kuti, nga zitandika okubala. Nga apo zitandika okubala, kubanga kakkiriza nti kazirina munda mu kko.

33 Naawe bw’okkiriza nti amaanyi ag’Omwoyo Omutukuvu gali mu ggwe, okukuwonya, nga kwe kuukwo. Ggwe genda mu maaso na kusindika. Okiraba? Olina okukkiriza. Ebivaamu tosobola kubirabirawo mangu ago. Tobiraba.

34 Kati, labayo, Yakobo yawa Ibulayimu obutuukirivu nga asinziira ku bikolwa bye. Pawulo n’awa Ibulayimu obutuukirivu nga asinziira ku kukkiriza kwe. Kati twogere ki, ku babiri? Ibulayimu yali ayogera ku ekyo. . . Manyanga, Pawulo yali ayogera ku ekyo Katonda kye yalaba mu Ibulayimu. Ate Yakobo yali ayogera ku ebyo abantu bye baali balaba mu Ibulayimu. Mukiraba? Kati, mukiraba?

35 N’olwekyo, ekyo Katonda yali akimanyi, nga n’omwana tannazaalibwa, nti Ibulayimu yalina okukkiriza. Era Ibulayimu yakikakasa eri Katonda, bwe yeeyisa nga (bwe yeeyisa) nti omwana yali agenda kuzaalibwa wadde yali tayinza kuzaala. Teyalina baana. Enda ya mukyala we yali yafa, nga naye tasobola kuzaala. Naye, ate, yakimanya nti, “Munda omwo

mwalimu omwana.” Mukiraba, yagenda mu maaso nga anywa ku kisuubizo, nga yeesigamye ku El-Shaddai wa Katonda ow’ekitalo, *Ebbeere*. Nga yeesigamye okwo, anywa, nga akimanyi nti Katonda ajja kumumuwa; nga akimanyi nti kyali kisuubizo, era nti yali Ateekwa okukikola.

36 Era ffe baana ba Ibulayimu. N’olwekyo leka twesigame ku kisuubizo Kye, tukinywerereko, nga tumanyi nti Katonda ajja kukikola. Bw’atyo bwe Yagamba. Kati mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.]

37 Kale leka abalwadde basimbe wano olunyiriri ku ludda olumu oba ku lulala, abo abaagala okusabirwa. Era singa tusobola okufunayo omukadde wano n’abasiiga amafuta, nja kubasabira, era tujja kukkiriza nti buli omu ku bo Katonda ajja kumuwonya. “Bwe muba musobola okukkiriza.”

38 Teddy, oli wa? Jangu wano eno ku ludda luno olwa ddyo. Ekyo kirungi. Kati njagala okube oluyimba olugamba nti *Kkiriza Bukkiriza*.

39 Era nga bwe bajja, leka tukoteke emitwe gyaffe, ffe abasigadde mu kibiina, era leka tubeere mu kusaba nga bwe tusabira abantu bano abajja.

40 Kitaffe ow’omu Ggulu, tuleeta gy’Oli, enkya ya leero, mu Linnya lya Yesu Kristo, abantu bano bambi, abalwadde, abanyigirizibwa abali mu mbeera eno embi, ey’akatyabaga. Nkukkiriza, ayi Mukama. Mma—mmanyi nti Ebigambo Byo bya mazima. Bya mazima ddala! Tebisobola kulemwa, kubanga byo kye Kigambo kya Katonda Ekitaggwaawo era eky’emirembe n’emirembe. Byonna bya maanyi, nga Katonda bw’ali ow’amaanyi, kubanga biri kitundu ku Ye. “Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda. Kigambo n’afuuka omuntu n’abeerako gye tuli.” Kati, ekyo tukikkiriza, ayi Mukama, n’emitima gyaffe gyonna, n’emmeeme zaffe zonna, n’ebyo byonna ebiri munda mu ffe. Tukikkiriza.

41 Era ngezezzaako, mu ngeri ennyangu ennyo okutegeera, mu ngeri ey’abaana abato, okukireeta eri abantu, basobole okukitegeera era bakimanye nti amaanyi ga Katonda gali munda mu bo. Bwe baba basobola okuba n’okukkiriza kwabwe ne bagoberera ebiragiro bya Katonda!

42 Bwe batyo bwe baalokolebwa. Bajja ne beenenya ebibi byabwe, ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, okusinziira ku Bayibuli eno, Ebikolwa by’Abatume 2. Era Peetero yagamba, nti, “Munaaweebwa ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu.” Era wuuno Yajja, ddala ddala nga bwe kyayogerwa, kubanga Ye Kigambo kya Katonda ekirabisiddwa.

43 Kale, kati, ekintu kye kimu, ayi Kitaffe, tumanyi nga kya mazima, bwe tusiiga abalwadde amafuta, ne tubasabira. “Okusaba okw’okukkiriza kunaalokola omulwadde. Katonda

anaamuyimusa.” Ayi Katonda, leka buli omu ave ku wolutaali eno wano, okwetoloola ekifo kino amakya ga leero, nga musanyufu era nga ajaguza, olw’okukimanya nti Katonda amuwonyezza. “Genda, owonyezebwe.” Kubanga tubawaayo gy’Oli kaakano, mu Linnya lya Yesu Kristo.

44 Era leka buli omu awonyezebwe, era amaaso ge gazibuke, ategeere kye kitegeeza, nga Ibulayimu, ayite ebintu ebyo ebitaliiwo nga ebiriwo, si nsonga kiki ekibaawo, ekyo tekirina kye kiyinza kukyusa ku kukkiriza. Ekibaawo si kye kikulu. Okukkiriza kuba kumaze okusimba amakanda. “Era okukkiriza kye kinyweza ebintu ebisuubirwa, ekikakasa ebintu ebitalabika.” Ayi Katonda, nsaba kinnyikire buziba mu mitima gyabwe, kubanga bakwetaaga.

45 Ŋŋenda nga omuweereza Wo omwetowaze, okuyimirira wano n’abaweereza abalala, era tusaba ayi Katonda okuteeka mu mitima gyaffe ku lw’abantu bano abalwadde. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

46 Waliwo eyagambye nti Ow’oluganda Estle Beeler waali mu kizimbe. Era nzikiriza waliwo n’omuweereza omulala wano, eyakulembeddemu okusaba, enkya ya leero. Twandyagadde okusaba abaweereza bonna abali wano, kyonna kye bali, mujje mu maaso wano muyimirire naffe okwetoloola wolutaali eno, okumala akaseera, katono, bambi, ab’oluganda. N’abasajja . . . Weebale, Ow’oluganda Ben. Mujje mu maaso wano muyimirire okwetoloola wano, okwetoloola wolutaali eno wano, tusabe wamu n’abantu bano, tubateekeko emikono.

47 Kati, nga bwe bakuba oluyimba olwo. Nga n’abaweereza bwe bafuna wano eno we bayimirira, tusobole ffenna, buli omu, okuteeka emikono ku balwadde.

48 Leka tulabe, ani ajja aserengeta nga ava ku lusozi waggulu eri. Nnengera Omusajja ajja, ataalina njawulo yonna ku basajja abalala. Yali Musajja wa bulijjo, mutonotono, mpozzi eky’okuba nti yali mukoowu. Nga bwe tumulaba nga Yeekaliriza, amaaso Ge nga alina ky’a—ky’alengera ekyali kigenda mu maaso wansi mu kiwonvu. Baali batume Be. Baalinayo omulenzi emmanga eyo, eyali agwa ensimbu, era bateekwa okuba baali bagamba nti, “Muwonye, ayi Mukama! Muwonye!”

49 Naye, mulaba, okugamba obugambi nti, “Muwonye, ayi Mukama, muwonye,” tekijja kukikola. Ekyo tekijja kukikola. Wateekwa okubaawo ekintu emabega w’ekyo ekya, “Muwonye, ayi Mukama, muwonye.” Mukiraba? Era ekyo singa nnaasobola okukibakkirizisa, ne mukikkiriza n’omutima gwammwe gwonna, mugenda kuwonyezebwa, singa nnaasobola okubaleetera okulabira ddala okwolesebwa.

50 Kati mulabe, abayigirizwa abo nga bayimiridde awo, ob’olyawo nga bamusuukunda, ob’olyawo nga bamusindika n’amaanyi bamugamba nti, “Kikkirize, Ow’oluganda!

Kikkirize! Aleruuya! Kikkirize! Muwonye, ayi Mukama! Muwonye!" Naye ssetaani yasigalawo teyaseguka yadde, kubanga teyalabawo kukkiriza kumala kuyinza kumugoba.

51 Naye ne wabaawo Eyajja nga ava ku kasozi. Era ssetaani olwali okukitegeera nti Oyo yali wa njawulo ku basajja bali abalala! Mukiraba?

52 Kati, ekyo ky'ekika ky'abasajja kye twagala tubeere wano eno, nga Mukama waffe Yesu. Weewaawo. Nga tetujja kweraga bwerazi, naye tujje, nga twagala Katonda waffe, nga tumanyi nti kino twatumibwa okugenda okukikola. Guno mulimu ogwatuweebwa.

53 Era, bwe Yagenda eri kitaawe w'omwana, ndowooza wano we baasinziira okuwandiika oluyimba luno, okuluyiiya okuva mu Kigambo, yamugamba nti, "Mukama wange, saasira mutabani wange, kubanga atawaanyizibwa nnyo dayimooni." N'agamba nti, "Amusuula mu muliro, n'amukonvubya, n'ebirala." N'agamba nti, "Nnamuleese eri abayigirizwa Bo, naye ne batayinza kumuwonya. Naye nna—nna—nnalowoozezza nti . . ."

54 N'amugamba nti, "Nsobola, bw'oba onakkiriza. Kati, nnina Amaanyi mu Nze," bw'atyo bwe Yagamba, "okukikola, bw'oba osobola okukikkiriza."

55 Katonda asobola okuleka abantu abo abaliiriddwa kkookolo abatudde wano enkya ya leero, ababadde ku ndiri, nga kookolo yabasuula ku ndiri, ne kookolo w'omu musaayi, abalina endwadde, n'okunyigirizibwa, Katonda asobola okubawonya ate ggwe n'akuyitako? Tekisoboka. Nedda. Mukiraba? Kati, Talemererwa. "Nsobola, bw'oba okkiriza." Yagamba atya?

Kubanga byonna biyinzika, kkiriza . . .

Kati, Ow'oluganda Tyler, jangu wano eno . . .?. . .

Kati kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,

56 Kaakano, nga bwe nsaba, njagala muteeke emikono ku bantu. Buli kimu kye beetaaga, . . .?. . . era mugoberere olunyiriri lwonna.

57 Ow'oluganda Neville, basiige amafuta, nga ab'oluganda . . .?. . .

58 Buli muntu, ali mu kibiina, nkwagala okotese omutwe gwo. Buli omu yingirira ddala mu kusaba.

Kkiriza . . .

59 Ayi Mukama, nkusaba, osaasire abantu bano, obawonye, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mu Linnya lya Yesu ow'e Nazaaleesi . . .?. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

60 Waliwo abantu bangi nnyo, mu lunyiriri, ababatunuulidde, okulaba kiki ekigenda okubatuukako okusinziira nga bwe

babadde, okulaba bwe baneeyisa eri ekikolwa kye bakoze. Mukiraba? Waliwo ekikolwa kye bakoze, basituse ne bajja mu maaso. Kati ekiddako, y'engeri gye baneeyisaamu oluvannyuma lw'ekikolwa ekyo kye bakoze. Oluvannyuma lw'okutuuka ne bakkiriza, nti, bwe banaasabirwa, bajja kuwonyezebwa, kale weetegereze olabe ekiva mu kikolwa kye bakoze.

61 Kati, omusumba waffe, nkakasa alina obubaka obulungi bw'alina okututuusaako, enkya ya leero.

62 Waliwo ekintu kimu kye njagala okwogerako katono enkya ya leero, ye muwala Omukatuliki ayimiridde awo ku wolutaali. Ennaku ntono eziyise yaliko mu maka gange, ye n'omwami we. Era omwami we mbaddenga mmumanyi okumala akaseera akawerako. Era—era waaliwo ekyaliwo bwe twali tusisinkanye nze naye ffekka.

63 Awo we twafunira okwolesebwa. Awo we twa . . . Nnateranga kukikolera wano ku kkanisa, naye nnalina bingi eby'okukola ku olwo ku makya, n'ebirala. Kale nnamusisinkanira waka.

64 Ssaakyogerako kintu kyonna, engeri gye yali muwala, nga kw'ogasse n'eky'okuba, nti yakuzibwa mu ekereziya Katolika, n'ebirala bwe bityo. Naye yali azze ku lwa maama we. Era mu kiseera ekyo, nnalaba okwolesebwa kwa maama we. Ne mmubuulira ekyali kitawaanya maama we, n'ebimukwatako, ne maama we bw'afaanana. Weewaawo, ye yali alina okusalawo, oba byali kituufu oba nedda. Maama we nnali ssimulabangako, mu bulamu bwange. Ekyo akimanyi.

65 Era omuwala, enkya ya leero, azze n'ayimirira wano ku wolutaali, okwatula, akkirize Kristo nga Omulokozi we. Ekyo akikoledde wano ku wolutaali, enkya ya leero.

66 Ow'oluganda Neville, nga talina ky'akimanyiiko, amusiize amafuta. Katonda nga—nga yeewunyisa engeri gy'akolamu! Amusiize amafuta, ag'abalwadde. Naye mulabeeyo engeri Omwoyo Omutukuvu gy'akolamu. Kati, asiigiddwa amafuta, nga eky'amazima si mulwadde, naye ne bamusiiga amafuta. Mulaba ebintu byonna bwe bikolera awamu mu ngeri entuufu? Kaakano ayimiridde nga Omukristaayo, oluvannyuma lw'okufuuka ekyo kye tukkiriza okuba Omukristaayo. Kati, ambuuzizza nti, "Osobola okusabira maama wange? Mulwadde." Maama y'omu oli. N'olwekyo amafuta gaamusiigiddwa nga bukyali.

67 Muli ŋŋambye nti, nga kibaddewo mu ngeri entuufu, okuba nti, mulaba, omuntu okuba nti abadde yaakalokoka. Kristo ffenna yatukiikirira. Akiikirira bonna. N'omuwala ono olubadde okufuuka ati Omukristaayo, naye n'ayagala abeeko omuntu omulala gw'akiikirira, bambi, kiraga nti bwe tulokokera ddala Omwoyo wa Kristo ajja mu ffe. Kati, ekyo kirungi nnyo. Ekyo—ekyo nkisiima nnyo nnyini, omwoyo ogwo omulungi ogw'Ekikristaayo ogw'okukkiriza. Kaakati, mujjukire.

68 Kati, eri omuwala ono omuto, alina munda wano waali, n'eri omukyala omulala Omukatuliki naye eyabadde mu maaso wano. Njagala njogere ebigambo bino, mu kaseera kano nga sinnawaayo lukunŋŋaana eri musumba waffe, mukiraba, bye bino:

69 Kati, ekereziya Katolika lumu yalinga ekkanisa eno. Bwe munaddayo ne musoma Bayibuli, kye tukkiriza, era nga mukimanyi nti ekereziya Katolika ye yali Ekkanisa eyasooka. Ekyo kituufu. Naye yava ku Njigiriza Zaayo. *Eno* y'eyali enjigiriza y'ekereziya Katolika. Naye, mulaba, balina ebitabo ebirala lukaaga n'omusobyo ebyawandiikibwa bappaapa n'abantu abalala, bye bakkiriza okuba nti nabyo bitukuvu nga Bayibuli eno.

70 N'olwekyo, mulaba, kino kye kitegeeza kiri nti, temukomye ku kukyusa nzikiriza. Wabula kye mukoze, mulokose. Mukiraba? Kati singa oddira. . .Kubanga, nzikiriza abamu ku mmwe, abo ababiri, enkya ya leero, babadde bakazi. Wayinza okubaawo n'abasajja Abakatuliki abatudde wano.

71 Singa oddayo emabega mu byafaayo by'ekkanisa, oba bw'oba osobola n'obuuza omusoosoodooti wo nti, "Ebikolwa abatume bano bye baakola wano mu Bayibuli, ye yali engeri gye. . .Bwe batyo Abakatuliki abaasooka bwe baakolanga?" Ajja kukugamba nti "Yee." Ate nga kituufu. Bwe baali. Kati, ba, mulabeeyo ekika ky'eddiini gye baalina. Baakuŋŋaaniranga mu bufo, obunyoomebwa. Tebaasabako ssaala za, "Mirembe Maria" oba "eza Kitaffe." Ako kalombolombo ka ekereziya. Naye baayogeranga ki? Baatenderezanga Katonda. Baaleekaananga. Baakaabanga.

72 Mulabeeyo wano mu Bikolwa by'Abatume 2, Omutume omutukuvu Peetero, ne Yakobo, ne Yokaana, bwe baakuŋŋaana awamu. Bayibuli egamba nti baayogera mu nnimi. Ne baleekaana, ne beeyisa mu ngeri nga—nga bajjudde nnyo—nnyo Omwoyo okutuusa lwe beeyisa nga abatamidde, okutuusa ab'ebweru lwe beebuuza nti, "bano bonna tebatamidde?"

73 Era awo Peetero, omutume, Peetero Omutukuvu, we yayimiririra, n'abagamba nti, "Abasajja era ab'oluganda, abasajja bano tebatamidde, wabula bajjudde Omwoyo," nga—nga Bayibuli bw'egamba nti bwe baali. Kaakati, eyo ye yali ekereziya Katolika eyasooka, okusinziira ku njigiriza yaabwe.

74 Kati, mukiraba, waayitawo emyaka nga ebikumi bibiri, ab'ebitiibwa ne batandika okuyingira mu kkanisa. Era baakola ki? Baakola ekibiina kyabwe ekyasooka mu Lukiiko lw'e Nikyeya, mu A.D. 606. Baakola e. . .Olukiiko lw'e Nikyeya bwe lwatuula e Nikyeya, mu Rooma, ne batandika okuyingizaamu ab'ebitiibwa, ne *bagunjaawo* ekereziya, ne *bakola* ekereziya.

75 Oluvannyuma lw'ekyo, ne yeekutulamu emirundi nga ena oba etaano. Okuva mu ekyo—okuva mu ekyo, baafuna

n'omulabirizi; ne bava ku mulabirizi, ne bafuna ppaapa. Era okuva awo, ne wajja Abayonaani Abasoddokisi n'abalala ab'engeri ez'enjawulo, okutuusa lwe yeekutulamu, okutuuka we mugiraba olwa leero. Yonna yagenda yeekutulakutulamu ebiwayi eby'enjawulo.

76 Naye kye tugezaako okukola, mukwano gwange Omukatuliki. . . Olaba, naffe, tuli Bakatuliki, ye ffe Bakatuliki ab'edda, abaasooka. Era erinnya ly'ekkanisa, lye batuyita ennyo, batuyita Bapentekoote, kubanga tukkiririza mu mukisa gwa Pentekoote.

77 Awo ekereziya Katolika we yava okufuuka ekibiina ky'eddiini. Naye mu bibiina byaffe eby'Abapentekoote, bye tulina leero, ensi eno singa—singa enaawangaala n'ebeerawo emyaka emirala bitaano, ekibiina kino eky'Abapentekoote kiriba kiwolu nnyo n'okusinga ekereziya Katolika ey'e Rooma bw'eri leero. Nakyo kyeyongera kuva ku mulamwa, mu ngeri y'emu. Era bwe bagikolamu ekibiina ky'eddiini, bagifuula ekibiina kya munnomukabi. Olwo ne bafuuka ekibiina kya munnomukabi, ekirina bammemba abeereere, n'emmeeme ezitakyusibwanga.

78 Eri baganda bange abaagalwa, baganda bange ne bannyinaze, eri mmwe mwenna. Nga omuweereza wa Katonda, kino sirina wantu wonna we nnali nkyogedde, mu nsi, oba mu kkanisa eno, sikyogerangako. Naye nga nnabbi wa Mukama, mbagamba nti, "Guno gwe Musana. Mugutambuliremu."

61-0813 Okukkiriza
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.


Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:


VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org